# Ebyava mu bigezo bya S6 bifuluma wiiki eno

Bya VIVIEN NAKITENDE



Jenniffer Kalule Musamba

EBIGEZO bya siniya ey'omukaaga ebyatuulibwa omwaka oguwedde bisuubirwa okufuluma wiiki eno, oluvannyuma lw'ekitongole ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB okumaliriza enteekateeka zonna.

Abakulira ekitongole kya UNEB nga bakulembeddwa Daniel Nokrach Odongo akikulira n'abakungu b'ekitongole kino wamu n'aba Minisitule y'Ebyenjigiriza, leero ku Lwokusatu (March 11, 2026) lwe basisinkana Minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni,

okumuyitiramu ebyavudde mu bigezo bya siniya ey'omukaaga ebyatuulibwa omwaka oguwedde 2025, bamunnyonnyole abayizi nga bwe baabikoze.

Ensisinkano egenda kubeera mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero nga bulijjo, oluvannyuma Minisita asalewo ddi lwe binaafulumizibwa mu butongole. Wabula okusinziira ku nsonda ezeesigika mu kitongole kya UNEB, bya kufuluma ku Lwokutaano nga March 13, 2026.

Abayizi 166,402 be baatuula ebigezo bino omwaka oguwedde 2025, nga bano basinga ku bayizi 141,996 abaabituula mu 2024 ekireetawo okulinnya mu muwendo gw'abayizi n'ebitundu 14.6 ku 100.

Abayizi 72,772 abakola ebitundu 44 ku 100 baali bawala, ate abalenzi baali 93,630 abakola ebitundu 56 ku 100.

Abayizi 42,328 abakola ebitundu 25 ku 100 baali bayambibwako gavumenti mu nkola ya Universal Post-O-Level Education and Training (UPOLET), ate abasigadde 124,074 abakola ebitundu 75 ku 100 baali ku nkola ya bwannannyini ey'okwesasulira.

Abayizi 28 baali basibe okuva mu kkomera e Luzira nga kuliko abalenzi 27 n'omuwala 1, ate abayizi 521 baaliko obulemu ku mibiri gyabwe.

Ebibuuzo byatuulibwa okuva nga November 10 okutuuka December 5, 2025 nga byatandika n'ekigezo ky'okuteekebwateekebwa (briefing) nga November 7, 2025, baabikolera mu ssenta 2,844 ezaatuulirwamu ebibuuzo.